BITM NO. 7

OKUKUUMA EBIWANDIIKO (RECORD KEEPING)

LWAKI AKATOBO KANO?

Kisuubirwa nti ku nkomerero ya katabo omutandisi we mirimu anaba asobola okutegeza/anaba ategedde obukulu bwokukuuma ebiwandiiko ebitali bimu ebikozesebwa mu mirimu.

EBIKOZESEBWA EBIKULU

Okusobola okutegera obulungi okukuuma ebitabo by'omulimu kyekitegeeza, kitwetaagisa okumanya obukudyo/enkola eno wammanga.

a) Ezitundiddwa/Ennyingiza:

Zino ze ssente zonna (omugatte) zofunye mu by'otuunze (ebirabikako) era by'osobola okukwatako nga kasooli bw'oba omulimi oba obuwereza nga okumanyisa (amagezi) amanyi, n'obudde obukozeseddwa nga osiba oba okukola enviri mu saluuni.

b) Ezigula/Ensaasanya

Zino z'ensimbi eziva mu mulimugwo okusasula abakozi okugula ebikozesebwa, ebyuuma, ezokupangisa, amasanyalaze n'ebirala.

c) Amagoba

Bw'oba sente zofunye mu kutunda zisinga ezo ezagula, enjawulo wakati w'ezo ezagula nezitundiddwa gebayita amagoba.

d) Okufiirwa

Bwoba ensasaanyayo esinga enyingizayo enjawulo wakati wa byonna kuba kufiirwa.

e) Ekiraga ekikoleddwako

Bw'okyusa ekintu mu ssente kiba kikoleddwako kiragibwa nti okisasaanyizidwako oba oyingirizaako ssente kiragibwa nti okisasaanyizako oba oyingirizaako ssente nga okutunda oba okugula ebyo by'olina ebikalu.

f) Okubala ebyo byolina

Kuno kwe kukebera n'okukakasa obungi n'emiwendo gy'ebintu byolina ebirabwako mumulimu gwo obudde bwonna.

Okukuuma ebitabo kyeki?

Okukuuma ebitabo yenkola ekozesebwa mu kudukanya nendabirira eyensimbi nebyamaguzi. Kitegeeza mubimpimpi okuwandiika wansi mubutuufu bwabyo.

- Ssente mmeka zofuna mumulimu gwo buli lunaku
- Ssente mmeka zofulumya zosasula buli lunaku
- Ebyo by'ofulumiza ate bebiriwo ebikadde ebikalu

Ebiwandiiko bino kisoboka okukuyamba okugoberera okugenda mumaaso kwebyo by'okola nga omulimu. Ebiwandiiko ebisinga obwangu ate bitwala obukulu nebibikwatako byonna. Wetaga obukakafu bwebiwandiiko obwa buli kitundibwa oba ekigulibwa. Okugeza nga:

a) Bu lisiiti bwogabira abaguzi nga bakuguzeeko ne
b) Bu lisiiti oba buwandiiko obulaga by'oguze oba ebikozesebwa oba ez'obupangisa namasanyalaze

Bwewaba nga tewali buwandiike obukakasa, kozesa akatabo owandiike ebikukwatako byewetaaga.

Bino wamanga by'owandiika:

a) Ddi lwokoze ku kyoyogerako (ennaku z'omwezi)
b) Biki ebibaddewo oluvanyuma lw'okutunda (ekikolwa) ebiguliddwa biterekeddwa, bitwaliddwa? n'ebilala
c) Omuwendo gwensimbi ogubadde mu kikoleddwa ogw'owamu. Alisiti n'obuwandiiko obugula n'obukakafu obulala bwonna obwogera ku kikolwa buyitibwa vookya. Funayo ka fayilo obuterekemu. Bujja kuyamba okumanya wa awabadde ensobi ate n'okugololawo.

OMUGASO GW'OKUKUUMA EBITABO

Ngoyita mu butuufu bwebiwandiiko, osobola;

- Okusalawo mubutuufu ebikwatagana n'omulimu gwo kubanga bulijjo ojja kuba nekifaananyi ekituufu ekyomulimu nenkola amagoba, enyingiza, eziri mumabanja nebirala.
- Bulijjo obeera n'okwekakasa eri awava ssente zoyingiza mumulimugwo nga eziva mukutuunda ate era ssente meka zogya mumakubo amalala.

- Bera nga wekakasa kubintu by'osasanyizaako sente nga okugula ebikozesebwa, okusasulira w'opangisa emisaala n'ebirala ate n'obungi bwamagoba gokola.
- Manya abantu/amakampuni bewawola ensimbi okuva mu mulimugwo oba bowadde amabanja, (Ababanjibwa)
- Manya abantu oba amakampuni abakuwola oba abakuwa abyamaguzi/ebilkozesebwa nga amazzi, amasanyalaze (ku bbanja).
- Manya ebiguddewo nga obudde tebunayita (omulimugwo guyinza okukola okufiirwa buli lunaku oba okukka kwamagoba kuyinza okuba okwabulijjo nga kwamuddirirwa.
- Wesabileyo ebbanja owolebwe.
- Laba nga omulimugwo bwegukoze obulungi mu myezi egiyise era olabe nengeri ennungi gyegukolamu. Bwoba omanyi omulimu wegulina amanyi newegulina obunafu, osobola okutegeka okufunira mu manyi (wolina obusobozi) ate nokukolerera okumalawo obunafu webuli osobole okwetegekera eby'omumaaso. Weyambise akatabo BITM No. 1.
- Laga ebibiina nga ebiwola ensimbi. Banka oba gavumenti engeri gyokolamu obulungi bisobole okuyamba.

EBIKA BY'EBIWANDIIKO

Waliwo ebika by'ebiwandiko bibiri ebikulu:-

- Ebyensimbi – Bino bikwata ku bigulibwa n'okutundibwa
- Ebyebintu ebirabika – Bino binyonyola byolina ebikwata ku mulimu nga ebyogera ku bungi bwebintu ebifulumizidwa, ddi lwebyafulumizibwa, ddi lwebyatwalibwa mu Katale era bimeka ebyasigalawo ebiri mu terekeero.

a) EZ'EBYENSIMBI

Bino ebiwandiiko bibaamu ekunyonyola enyigiza n'ensasaanya. Biri ebika bisatu.

- Ebyensassanya (ezikozeseddwa)
- Ebyenyingiza (ezifuniddwa)
- Endagaano

Okuwandiika ensasaanya n'enyingiza

Kyalibadde kirungi okugula ekitabo ekyenjawulo ekyensimbi ekyayawulibwamu edda mwosobola okuwandiika enyingiza n'ensasaanya. Bwoba tokisobola osobola okukozesa akatabo akawandiikibwamu akabulijjo naye ku buli lupapula okubako emisitale eginayawula enyingiza ku nsansaanya. Ku nkomerero y'olunaku, oyingiza

ebikoleddwako mu kitabo ate kunkomerero ya wiiki n'omwezi. Okola omugatte gwenyingiza nensasaanya osobole okubalirira amagoba.

Bino byebyandirabikiddemu
ENNAKU – Ddi ekikolwa sente ate newosasulidde/wosaasaanyiza.

ENYINGIZA – Ssente zofuna mu mulimu gwo eziva mu bikolebwa.

ENSASAANYA – Ssente zonna z'osasula oba zofulumya kulwesonga tugeze zosasaanya ku kyemisana nga okola. Zino ze ssente zobera nazo ng'omaze.

EZISIGADDEWO – ssente zobanazo mumpeke oba munsawo nga omaze okwawula ensasaanya ku nyingizayo.

EZIVUDDE EMABEGA: Zino zeziba zisigaddewo ez'olunaku olwemabega. Katugambe omuwendo ogwotwaliddwa mumaaso nga 25/2/2002 guli shs 120,000/=

Ngogoberera enkola eno ofuna sente zolina mu mpeke nga otoola ku ensasanya okuva kunyingiza nga:
72,500/= - 42,000/= = 30,500/=

b) EKYEBINTU EBIKALU
Kino kiwandiikibwaamu ebikalu by'olabako mu mulimu gwo eby'okutunda omulundi ogumu nga obiwandikako n'e miwendo. Ekyokulabirako kye kino wammanga.

Ennaku z'omwezi	Okunyonyola	Obungi	Omuwendo	Omugatte
15/01/03	Ekyupa za sooda	48	500/=	24,000/=
	Bupayinta bwamata	10	800/=	8,000/=
	Bukeeki	20	300/=	6,000/=
	Obugaati	30	100/=	3,000/=
				41,000/=
16/01/03	Ekyupa za sooda		500/=	3,000/=
	Bupayinta bwamata		800/=	4,000/=
	Bukeeki		300/=	9,000/=
	Obugaati		100/=	1,000/=
				26,000/=

c) EKYABABANJIBWA

Ababanjibwa beebo abantu oba amakolero g'obanja ensimbi bayinza okubanga bagula ebyamaguzibyo ku mabanja. (Weyambise akatabo BITM No. 10 omutandisi w'emirimu ate nenkwata yebbanja okusobola okufuna ebika bya mabnja).

Ekyokulabirako ekyabanjibwa

Erinya - Nanfuka Rosemary
Endagiriro - Box 33 Wandegeya
Ebanja eri weebwa - Siringi 75,000/=

Ekitabo ky'abanjibwa

Ennaku	**Ekinyonyola**	**Omuwendo gwebbanja**	**Omuwendo ogusasuddwa**	**Ezisigadewo**	**Omukono**
24/4/02	Kesi mukaaga eza sooda	60,000/=		60,000/=	
25/4/02	Okusasula ko		10,000	50,000/=	
30/4/02	Okusasulako		10,000	40,000/=	

Abaguzi balina okusa emikono ku miwendo gyamabanja gebalidde okuva mu mulimu gwo. Bwebasasula gwe assaako omukono. Kirungi nyo okuwa lisiti oyo okusasudde buli lwakusasula nga eraga olunaku olyoke olage ekikoleddwako ekyo mu byotunda kw'olwo lwenyini.